# Bp. Banja atongozza 'Boys and Girls Brigade'

Bya JOANITA NANGONZI

OMULABIRIZI w'e Namirembe, Rt. Rev. Moses Banja akuutidde abavubuka aba 'Boys and Girls Brigade' okubuulira enjiri n'okubeera ekyokulabirako.

Byabadde ku Lutikko e Namirembe ng'alayiza abakulembeze ba 'Boys and Girls Brigade' mu matabi ag'enjawulo agakola Obulabirizi bw'e Namirembe okuli ab'amasomero n'ab'amakanisa. Omukolo gwetabiddwaako bannakibiina kya Boys and Girls Brigade ab'Obulabirizi bw'e Namirembe, akulira ekitongole ky'abavubuka, Teffero Lule, Ddiini wa Lutikko, Dunstan Kiwanuka Mazinga, omuwandiisi w'Obulabirizi Rev. Can. Henry Ssegawa,Viika wa Lutikko Rev. Henry James Lukyamuzi, abakulembeze mu kitongole ky'abavubuka n'abalala.

Bp. Banja yakuutidde abavubuka okutambulira mu nsi nga beegendereza kuba erimu ebisoomooza bingi. Yabajjukizza nti, n'omulabe sitaani abateeze okubakema n'abawa amagezi beekwate ku njiri n'okukola ebikolwa eby'obutuukirivu bafuuke ekyokulabirako.

Akulembera ekibiina kino, Lt. Samuel Osyodoki Eliazali yategeezezza nti, Omulabirizi yalayizza abakulembeze n'atongoza ne ba 'officers' ab'amadaala ag'enjawulo mu Bulabirizi bw'e Namirembe.

N'agamba nti, ekibiina kino kiyitibwa eggye lya Yesu, kyatandikibwawo mu 1883 mu Scotland mu Sunday School n'ebigendererwa; okubuulira enjiri, okuyigiriza abavubuka n'abaana empisa, okutambulira mu kwekkiririzaamu n'okwekuuma.

Oluvannyuma baakoze ennyiriri za paleedi ne bakumbiramu Omulabirizi Banja n'abagenyi okubalaga obukodyo bwe batendekeddwa.



Bp. Banja n'abayizi aba 'Boys and Girls Brigade.'